# OKUWANDIIKA EKIRAAMO

1. Otandika n'ennaku z'omwezi (date). Kino kikulu era kiyamba ng'okola ennyongereza (codicil) ku kiraamo kyewasooka / ekyaggwa bwoba toyagadde kuddamu ku kiwandiika bupya.
2. Yogera ebikukwatako. Erinnya lyo, bakadde bo abakuzaala (gye bagalamidde bwebaba baafa),Ba Jjajjaabo, emyaka gyo, ekika kye weddira n'ebirala ebikwogerako.
3. Yogera wa gy'obadde obeera (address) okugeza; ekyalo, omuluka, eggombolola ne District.
4. Yogera Mukyala wo oba bakyala bo , abaana bo ab'omusaayi, abaana bo abalala mukama bayakuwa abatali bamuntumbwezo (adopted children) bwoba obadde nabo. Era yogera ku bantu abalala boobadde olabirira (dependant relatives – okugeza; bazadde bo, Abazzukulu, Jaajja, Kizibwe, Kojja, ng'abantu abo obulamu bwabwe bubadde buyimiriddewo ku ggwe)
5. Yogera eby'obugagga byo okugeza; ettaka plot… Block…, Ekibanja ekiri ……….. kyanagula ku………… nga kiweza acres……… nga kiriranye……, Business, Emmotoka number plate….., Piki piki number plate….., Sente eziwera shs…. mu …………bank , omugabo mu …………………… club, emigabo mu ……………. company, emigabo mu ………. SSACO, insurance policy mu ……………. Insurance company, sente shs………. mu N.S.S.F, Farm e ………………., enyumba z'abapangisa e…………, n'ebyobugagga ebirala.
6. Okugabanya ebintu byo eri;
   a) Abaana bo ab'omuntumbwe.
   b) Omwana bwafa yafa naye nga yaleka abazzukulu balina okufuna omugabo gwa Nnyabwe oba Kitaabwe.
   c) Abaana bewakuza (adopted children).
   d) Omukyala / Abakyala.
   e) Abantu abalala b'oyagala okugabana ku mmaali yo.

**Nabino Bikulu:**

**A**. Okulabirira ababadde mu mikono gyo.

- Laga engeri abaana abato gye banasigala nga balabirirwamu n'okusoma
- Laga engeri mukyalawo / bakyalabo engeri gyebanasigala nga balabirirwamu
- Laga engeri abantu b'obadde olabiririra abalala (dependent relatives) gyebanasigala nga balabirirwamu.

**B**. Okuwa ensonga singa wabaawo gw'otawadde Singa wabaawo omwana gw'otawadde, wa ensonga ey'essimba lwaki tomuwadde okugeza; oyinza okuba nga wamugabanya mu bulamu, n'ensoga endala zonna.

Naye kyandibadde kirungi omwana oyo bwoba tolina kyewamuwa mu bulamu obeeko akantu / ekintu kyonna ky'omuwa n'owerako n'ensonga lwaki ye tomuwadde nga banne abalala.

**C.** Ebintu by'otagabye; Bwewabaawo ebintu byolese nga togabye, laga engeri gye binagabanyizibwangamu oba gyebikolebwanga oba gyebikumibwangamu. Okugeza; oyinza okugamba nti, omusika asigadde yemuyima waabyo oba yabivunanyizibwangako kulwa family oba kulwa bazzukkulu bange bonna. Olwo omusika abeera afuuse muyima (Trustee) w'ebintu ebyo kulwabo b'omenye b'obirekedde (beneficiaries). Kino kiyitibwa okuteekawo obuyima /trust obwekiraamo oba kiyite 'testamentary trust' mu lungereza). Lekawo ebiragiro (instructions) ku bintu by'otagabye. Oba osobola okukola obuyima (Trust) nga okyali mulamu, kiyite 'living trust' mu lungereza.

**8**. Yogera abakubanja era sente mekka buli omu.

**9**. Yogera b'obadde obanja era sente mekka buli omu.

**10**. Yogera b'osonyiye amabanja.

**11**. Yogera omusikawo ( Goberera ennono zammwe okugeza; mu Buganda omuwala tasika).

**12**. Yogera Abakuza ( Guardians).

**13**. Yogera abateekanga ekiramo kyo mu nkola (Executors). Osobola okubaleka bwoba tobetaaga.

**14.** Yogera enziika yo okugeza; bakuzikangawa, fuuti mekka, bakuziika mu ddini ki, n'ebirala bye wandyagadde.

**Kino Kikulu:**
Bwoba oyagala ekiraamo kyo kireetebwe ku lumbe nga lutuuse, okolangayo akalaamo akatono akakwata ku maziika go era ako katerese bantu balala si bali abalina ekiraamo ekikulu/ekinenne. Ekigendererwa butamanya balina kiraamo kyo bayinza okukola olukujjukujju ne bakibuza n'oba ng'ataalaama.

**15.** Osobola okwogera ku lumbe lwo. Okugeza; oyinza okugamba nti olumbe lwange balutambuzanga okutuuka ku kasolya (wayinza okubaawo ensonga lwaki ogamba bwotyo, oyinza okugaana enyimba ezitali za ddkiini mu lumbe lwo nebirala. Naye laama ebisoboka okukolebwa era ebigwa mu nnono n'obuwangwa bwo.

**16.** Yogera ebintu by'abantu ebibadde mu mikono gyo oba by'obadde oterese okugeza; ebyapa, endagaano, ebiraamo, ebintu ebikalu n'ebirala byonna.

**17.** Teekako omukono gwo (Signature) ku kiraamo kyo ne ku buli page (okwewala okukyusa page ezimu naddala abakozesa okuwandiisa ebyuma bi kalimagezi).

**18.** Teekako abajulizi (Witnesses) basatu era nabo bateeke omukono gwabwe (Signature) ku buli lupapula kw'owandiise (page).

**Bino bikulu:**

- ➢ Abaana bo, omukyala, omuntu yenna gwe wagabanyizaako ku bintu byo mu kiraamo talina kubeera mujulizi era talina kutereka kiraamo oba okusaako omukono ku kiraamo kyo.
- ➢ Copy z'ekiraamo bweziba ssatu oba Nnya, zonna omukono gwo n'abajulizi (signatures) zirina okubeera mu buwandiike bwa mmwe bwennyini (original). Maliriza okukolamu 'copy' olyoke osseeko omukono gwo n'abajulizi bateekeko emikono. Kwe kugamba copy ezimu ne bwezibula, yonna erabiseeko ebeera ekkirizibwa mu mateeka kubanga omukono gwo ne gy'abajulizi zonna ziba mu original (not photocopied)

- Alaamye n'abajulizi mulina okussa omukono ku buli lupapula kw'owandiise (every page)
- Tokkirizibwa kugaba makaago mwemubadde mubeera n'amaka amalala gonna gobadde nago nga mubadde mugakozesa ng'amaka.
- Olina okulaga mukyala wo, abaana bo naabo ab'oluganda abalala (dependant relatives) b'obadde olabirira nga obulamu bwabwe bubadde buyimiriddewo kuggwe, engeri gye banaasigala nga balabirirwamu okubezaawo obulamu.
- Ekiraamo nga omaliriza okukiwandiika, kiterese ( kyandibadde kirungi oweeko abantu abasukka mu omu)
- Bw'oba bakuwandikidde ekiraamo nga tomanyi kusoma oba tosobola kusoma, ekiraamo kiwe omuntu omulala yenna gwewesiga akusomere mu nga tonakisaako mukono gwo oba ekinkumu.
- Osobola okukola enyongereza (codicil) ku kiraamo kyo ekikadde ng'okyusa ebintu ebimu bye wawandiika oba n'oyongeramu okugeza; oyinza okubaako ebyobugagga ebirala by'ofunye oba oyinza okubaako byewatunda. Oba osobola okusazaamu ekiraamo ekikadde n'okola ekipya. Era kyandibadde kya buvunanyizibwa ekikadde nokiggyayo gye wakiteresa ggwe kenyini nga totumye muntu yenna.
- Aterese ekiraamo okiretanga mu budde obutuufu era okiwaayo mulwatu bekikwatako nga weebali. Tewabanga muntu akuggyako kiraamo (nti bakintumye oba nnannyini kyo agambye nkimutwalire), okuggyako nnannyini kyo yekka.
- Olumbe nga luwedde 'original copy' y'ekiraamo kyandibadde kirungi n'eterekebwa ku kika (Omutuba, Essiga oba Akasolya) kubanga eyo ebiwandiiko bikuumibwa bulungi emirembe n'emirembe. Ekiraamo muyinza okukyetaaga nga wayise n'emyaka kinaana (80 years) ate kkooti za gavumenti zibeera zaagala 'original copy'. Wabula mukoleewo ekiwandiiko mu kitabo ky'ekika ekiraga atutte original copy na ku mutendera ki kwekyaterekebbwa. Kakasa nti atutte ekiraamo okukitereka akituusizza era akiterese bulungi mu tterekero ly'ekika
- Ekiraamo tekikolebwa basajja bokka, n'abakazi nabo balina okulaama.

BUGANDA YIYO BUGANDA YANGE
SEAL ID:
DSN-60702002

www.bugandayiyoyange.org
@Bugandyiyoyange
bugandayiyobugandayange@gmail.com
+256 759 606 006

BHTB H/Q
Lubiri Ring Road
Next to Butikkiro,
Opp Kabaka's Palace
Mengo, Kampala, Uganda